ENNYINGO - 8

OBULAMU E MAKEERERE MU BISEERA BY'OKUWANGANGUSIBWA

8.1 Sserunkuuma Bbwaddene asigala ne baana banne e Makeerere

Serunkuuma Bwaddene, ava mu Erenesti Serunkuuma Diiro, yazaarwa Kakute e Ndejje. Kyokka ebiseera bye ebyomu buto yasinga kubimala wa kitaawe omuto Nasanayiri Mukasa Luggya e Kyabbumba. Okusoma kwe kwagenda bwekuti: Yatandikira Nakikungube Infant School ne Kabale Sub-Grade. Primary 4 yagimalira Masuulita Primary School. Olwo n'ava e Kyabbumba n'agenda e Makeerere ewa PK mu mwaka 1942. Primary 5 ne 6 yagisomera Chwa II Memorial College, Namungoona nga ayima Makeerere. N'ava eyo n'agenda mu Aggrey Memorial School, Bunnamwaya gyeyamalira Junior Secondary 3 mu 1947.

Mu 1945, nga PK ne ENK batwaliddwa mu buwanganguse, Serunkuuma eyali omwana omulenzi asinga ku banne obukulu, yalekerwa obuvunaanyizibwa bw'okukuuma banne bwebaali basigadde mu maka e Makeerere. Bano be baana banne beyasigala nabo: Mary Namitala Bukayanirwa, Efulansi Nalugwa Lwalamukwano, Henry James Mpiima, Daudi Kulumba Buzaabo, Edmund Kiwanuka Serwadda, Elizabesi Nakiyingi Banzigya, Esita Nabbosa ne Janet Nalunkuuma. Baana banne abo yafuba nnyo okubalabirira obulungi n'okubagunjula mu mpisa ez'ekintu kiramu.

8.2 Kazigizigi nga Abaana abo basigadde awaka e Makeerere

Abaana abo nga basigadde awaka baasanga obuzibu bungi nga kitaabwe ne nyabwe tebaliiwo. Obuzibu okusinga bwekuusanga ku kuzuula bya ndya, ebikozesebwa mu bulamu obwa bulijjo mu maka n'okuyambibwa mu kusoma kwabwe. Waaliwo okutya kunene mu bantu, okulabibwa nga bekwanaanyiriza abo abaali bawangangusibbwa. Nga batya ba mbega ba Gavumenti enkuumi, nabalala ab'obuyinza, si kulwa nga nabo basongebwamu ennwe, nti baali bonna. Ne mukulu wa PK Aloni Bapere Sekkadde, teyanganga wadde okuyitako e Makerere okulaba ku baana ba muto we nga bwe bali. Mpozzi mutabaniwe Eryazali Lwasi ye yeyasobola okugendanga e Makeerere n'ayamba ku baana banne abo. Wadde n'abekibiina kye Ndiga "Bweyagalire" abaakungaaniranga mu maka ga PK e Makeerere buli mwezi okuteesa n'okucacanca, kigambibwa nti mpawo n'omu eyalinya ekigere e Makeerere mu kazigizi oyo. Baali bafuuse abagenge, ba lunkupe, abalombi. Wabula, nga obwa Wankoko bwebutabula mwasirizi, baafuna ab'enganda n'ab'emikwano gya bakadde baabwe abamu, ababakwatirwanga ekisa ne babayamba okubafunira ebintu ebitali byangeri zimu ebyabasobozesa okubeerawo nga balamu. Abamu ku bantu abo abaayamba abaana abo be bano:-

1 Damasiko Erieza Kawesa - kojjaabwe (mwanyina wa ENK). Yakola kinene nyo okufuniranga abaana ebyokukozesa, ebyokulya awamu n'okusomesa abamu ku bo, nga abatoolera fees ze somero, nebirala.

2 Nekemeya Semandwa - ono yali mukwano gwa bakadde baabwe. Yabawanga sukaali nebirala buli week.

3 Rev Dunstan Nsubuga - nga akyali mwawule we Kanisa ye Makeerere. Yabafuniranga emmere n'ebyokukozesa ebirala buli week. Ono oluvanyuma yafuuka Bishop we Namirembe.

Paulo Kikwanguyira Banadda Kiyingi. Nga akyakola mu ofiisi ya Resident Buganda e Kampala

Mu kwabya olumbe Iwa James Mpiima e Makeerere nga 12 Desemba 1966. Abali mu kifaananyi: Kalyesubula, Paulo Kiyingi, Nkonge, Byekwaso, Namitala, Naluggya, Sekkadde

Eseza Nabwami Kiyingi ne Esta Nabbosa. Nga baluka eby'emikono mu biseera byabwe eby'eddembe

Paulo Kiyingi yali mu bako ku mbaga ya mukyala muto (mulamu we) Agnes Nabbumba nga afumbirwa Topher Tenywa nga 2 September 1939. Damasko Erieza Kawesa omusika wa Asanasiyo Lule Mujugumbya e Kassanda naye mu kifaananyi mwali

Abamu ku b'olulyo lwa Kiyingi baakung'aanira e Makeerere mu 1973, okusiibula Kibuuka bweyali addayo okweyongera okusoma e Germany. Abaaliwo be bano: Lutalo, Sekkadde, Bbosa, Kibuuka, Nakiyingi, Senga Esta Nakagulire Mukasa, Kulumba, Maama Eseza Nabwami Kiyingi, Nalugwa, Nabbosa ne Naluggya. Abataaliwo be bano: Semyano, Namitala ne Kaggulire

Eseza Kiyingi omweyagaze. Y'omu ku baakyaasa omusono gw'abakyala ogw'okwokya enviiri

Paulo ne Eseza Kiyingi baagattibwa mu bufumbo obutukuvu nga 29 September 1928 mu Kanisa Lutikko e Namirembe

Paulo ne Eseza Kiyingi nga bali ku mbaga ya mutabani wabwe Eriazali Buzaabo Lwasi (ava mu Bapere) mu 1935. Aloni Bapere Sekkadde owe Mpigi ne Nasanayiri Mukasa Luggya owe Kyabbumba nabo mu kifaananyi mwebali

4 Nusula Matovu - mukulu wabwe owe Kanyanya, Semyano Kiyingi kweyaddanga, naye yabawanga eby'okulya n'ebirala eby'okukozesa awaka.

5 Anna Nabbosa - mukulu wabwe, naye yabayambanga mu ngeri ezitali zimu nga bweyabanga asobodde.

6 Samwiri Kaggulire e Namasinda - mukulu wabwe omulala, naye yabayamba mu ngeri nyingi nga omwo mwotwaalidde n'okutoolera Semyano Kiyingi school fees nga akyali e Buddo.

7 Erifazi Kaggwa Kirimuttu - ono yabalambulanga era n'okubayamba mu ngeri nyingi, omwali n'okutoolera David Kulumba school fees, nebirala.

8 Eriazali Lwasi Buzaabo - mutabani wa mukuluwe Aloni Bapere Sekkadde, ono yabayambanga mu ngeri eziwera, nga omwo mwemuli n'okutoolera Efulansi Miriam Nalugwa school fees, n'ebirala.

9 Tezira Nakiyingi - sengaabwe, yabayambanga okubafunira ebyokukozesa n'ebyokulya. Ono era y'omu ye yalabira Efulansi Nalugwa omusajja ow'okumuwasa, Kerementi Kyambadde Musoke e Namirembe, gweyafumbirwa mu Lutikko e Namirembe nga 16 June 1947.

Abantu abalala bangi abatasobose kumenyebwa, nabo abaayamba mu ngeri emu oba endala.

Abantu abo bonna baalaga omutima omusaasizi, omwoyo omwagazi, awamu n'obuvumu, mu kazigizigi eyagwa ku baana ba Mwoyo Gwa Gwanga Paulo Kiyingi, gwe baayitamu nga kitaabwe ali mu busibe n'obuwanganguse. Beebazibwa.

Nyaabwe ENK nga akomyewo okuva e Moroto, olw'obulwadde obwali bumuluma nga bali mu buwanganguse (yali lubuto olwa Samwiri Lutalo), Serunkuuma Bwaddene eyali olwo amaze okusoma kwekutandika okukola, n'afuna ne w'apangisa, anti n'okukula yali akuze asajjakudde. Olwo obulamu ne butandika nate okudda mu nteeko. Kyokka eby'enfuna tebyaddayo kulongooka, wadde ne PK bwe yateebwa, olw'omulimu gwe okuggwawo. Ate nga ne Gavumenti eyali emukutte awatali musango, n'okuwangangusibwa awatali kuwozesebwa, teyasobola wadde okumuliyira. Abamu bagamba nti giba mirembe gino emivanyuma abasibe abo nga bateerebbwa bandisobodde okukuba Gavumenti mu mbuga z'amateeka okubaliyira, omusango ne bagumegga. Ebyembi kino tekikolebwanga.